THE REPUBLIC OF UGANDA
MINISTRY OF HEALTH

Luganda

# EBOLA

## ENSAASAANA YA EBOLA

**Ebola bulwadde bwabulabe era buttira ddala**

## OBUBONERO BWA EBOLA


### Ebola asaasaana atya?

**Ebola asaasaana singa okwata ku bintu bino wammanga:**


Engoye z'omulwadde wa Ebola




Okukozesa ekyuuma ekikozeseddwa ku mulwadde wa ebola nga tekifumbiddwa.



Okukwata ku bisolo by'omunsiko nga biramu oba nga biffu




Amazzi agava mu mubiri okugeza nga omusaayi, amalusu, obubi, ebisesemye, omusulo n'enttuuyo z'omulwadde wa ebola.




**Obubonero bwa Ebola bwebuno wammanga:**


Omusujja ogw'embagirawo




Omutwe oguluma



Omubiri okugwaamu amaanyi




Okulumizibwa ebinnywa



Amabwa mu mimiro




Okusesema



Ekkidukano oba omusulo ogulimu omusaayi



Okuvaamu omusaayi mu bituli ebili ku mubiri gw'omuntu



**Obubonero buno busobola okulabika wakati wa naku 2 ne 21 singa ng'obadde okwata ku mulwadde wa ebola.**

## OKUTANGIRA EBOLA

**Ebola bulwadde bwabulabe era butta naye osobola okubwewala nga okoze bino wammanga:**


Wewale okukwata ku mazzi gonna agava mu muntu oba ekisolo ekitebeerezebwa okuba n'obulwadde bwa Ebola.



Bwo'oba oteekeddwa okukwata ku mulwadde wa Ebola yambala ebikutangira okwattibwa obulwadde buno okugeza nga ebigalo (gloves) n'obukookolo (masks).



Omuntu atebeerezebwa okuba ng'afudde Ebola alina okuziikibwa mu bwangu ddala, era nga kikolebwa abakugu abaatendekebwa mukuziika kiyambeko okwewala okusaasaanya obulwadde bwa Ebola.



Bwooba okutte ku muntu atebeerezebwa okuba n'obulwadde bwa Ebola, naaba engalo zo bulungi ne ssabuuni wamu na'mazzi amayonjo.



Tegeeza ab'e by'obulamu ku ddwaliro erikuli okumpi mu kitundu kyo amangu ddala ssinga oba olabye omuntu atebereezebwa okuba n'obulwadde bwa Ebola. Okumanya ebisingawo sindika obubaka obw'obwereere ku Ureport ku: **8500** oba kuba kussimu etali yakusasulira ku: **0800 100066**

World Health Organization

unicef
for every child